

**Aba Mormon bagamba nti** waaliwo okuseeseetukira ddala (okugwa) mu kanisa eyasimbibwaawo Yesu Kristo. Okuseeseetuka kuno kukyeyongerera ne kaakaati, okujjako abo abeegatta ku kanisa ya Mormon. (Ebyawandiikibwa bya Mormon: *Gospel Principles*, empapula 88–900 [1997 ed.]; *Mormon Doctrine*, olupapula 44)

## 9. Katonda Ayogera nga ayima mu Bannabi Aboobulimba?

**Baibuli esomesa nti** nabbi omutuufu owa Katonda aliyogera ebigambo bya Katonda mumazima. Tulagirwa okukema abantu abeeyita ba nnabbi. Ekyokulabirako, Ekyamateeka 13:1–4 kyogera nti tuteekeddwa okugaananga nnabbi singa agezaako okutugoberezesa katonda omulala. Era Ekyamateeka 18:21–22 kigamba nti abantu ba Katonda bateekwa okugaana nnabbi alagula mubukyaamu ebigenda okubaawo mubiseera ebyomumaaso.

**Aba Mormon bagamba nti** yatandikawo enzikiriza eyo, Joseph Smith, yali nnabbi mutuuufu—naye yalimba bweyagamba nti Katonda muntu alina omubiri naamagumba (*laba Namba 2 ne 3 waggulu*) era nti eriyo ba katonda abalala bangi (*laba Namba 1 waggulu*). Joseph Smith yawa obunnabbi obukyaamu ku kuzimba yeekaalu ebbiri (ku “Temple Lot” ne mu Far West, Missouri) nekunsonga endala. Joseph Smith era yakyuusakyuusa ebyoobulimba biingi mu kubikkulirwa kwe mubuwaandiike (nga mu Book of Mormon ne Doctrine and Covenants), ate yali wabakazi bangi eyawasa abakyaala aba basukka mu 30; abamu kubbo nga bafumbo era nga nebabba babwe nga balamu.

## 10. Katonda Yakolimira Abaafirika n’Olususu Oluddugavu?

**Baibuli terina weesomeseza nti** Katonda abonereza abantu olweebibi byaabwe nga abawa olususu oluddugavu. Okusinga ennyo, esomesa nti mu Bukristaayo temuli kususola olweggwanga oba olwobuzaale: “Tewali mu Yudaya yadde Omuyonaani, tewali muddu yadde oweddembe, tewali musajja yadde omukazi; kubanga mwenna muli omu mu Kristo Yesu” (Abaggalatiya 3:28).

**Naye okusukkira ddala emyaka 150, ba nnabbi naabatume ba Mormon bayigiriza kyeere nti Katonda abonereza abantu abamu nga abaleetera okuzaalibwa neemibiri gyaabafirika.** Mu 1978 e Kanisa ya Mormon yawa olukusa abasajja Abafirika okufuuka bakabona naye nekakano tesobola kunyonyola

Iwaki nabi omutufu yandibade alemera kunsonga nti Abafirika baakolimirwa nensusu enzirugavu—nga bwe basomesanga edda. (Ebisingawo kubyogerwa nebiwandiiiko, tutukirikire otusabe kopi yabweereere eya “The Mormon Church and the African” [Ekanisa ya ba Mormon nebye’ yogera ku badugavu.]])



## OKUFUNDIKIRA

Ebisengekeddwa waggulu biraga aenjwukana nnyingi enkulu wakati w’Obukristaayo nea ba Mormon. We Tuteekwa okusaasira aba Mormon, naye tetusobola kubatwaala nga baganda baffe oba ba nnyina fee mu Kristo. Baibuli etulabulira ddala ku ba nnabbi abobulimba abagenda okusomesa “enjiri endala” ku “Yesu omulala” (2 Abakkolinso 11:4, 13–15; Abaggalatiya 1:6–9). Okusenziira mu bukakafu obuweereddwa waggulu, **aba Mormon enjiri yaabwe yaabulimba era teyinzira kulokola.**

Jjukira: Bwosingkananga omuntu yenna eyeeyita nnabi, oba akiikiriira nnabi, kozesa ekiragiro ekiri mu 1 Abasessaloniika 5:21–22: “**Mugezesenga buli kintu. Munywerezenga ddala ekirungi. Mwewalenga buli ngeri ya bubu**”. Okugezesa okweesigibwa mu kwewaana kwonna nga okwo tekuba nga bwetuwalira oba nga omuntu ayogedde ku kyamagero ekikoleddwa. Naye, tutekeddwa okwesiga obujulizi obuli mu Baibuli—Ekigambo kya Katonda ekyamazima (laba, ekyokulabirako: Ebikolwa 17:10–11; cf. Ekyamateeka 13:1–3, 18:21–22).

## ABAMINSANE BA MORMON BAKOLERA MUMIRIRAANO GYE WAMMWE.


## TOBAGANYA KUKUBUZAABUZA!

Okusaba ebiwaandiike ebyobweereere oba DVD ku njigiriza ekyamu, tuukirira



**The Africa Centre for Apologetics Research (ACFAR)**  
Post Office Box 72405—Clock Tower, Kampala, UGANDA  
[www.ACFAR.org](http://www.ACFAR.org) | [info@ACFAR.org](mailto:info@ACFAR.org) | +256 782 000 664

Bijjidwa mu “Is Mormonism Christian?” (Ba Mormoni nabo Ba Kristaayo?) eky Institute for Religious Research (IRR). Olukusa lwafuniddwa. © 2014.



Ojja kulaba abavubuka abambadde ebyobuyonjo nga basibye n’amataayi, era nga beetimbye obubonero bwaamanya obuddugavu obubayita “elders” abava mu kkanisa eyitibwa “Church of Jesus Christ of Latter-day Saints” (Kanisya ya Yesu Kristo ey’Abaturikivu ab’Olunaku Oluvannyuma). Abo ne bwolibabulira nti gwo walokoka dda era baagala bakukyuse odde mu nzikiriza yaabwe! Engeri gye bakkiriza nti ekanisa yabwe yokka yentufu wano kungsi; era nti amakanisa amalala ga bulimba.

Batera okwogera obulungi. Bagamba nti bakkiririza mu Yesu Kristo. Bagamba nti bakkiririza mu Baibuli. Naye ku mitwe gino emikulu—*wamu nebirara*—beewala okukubulirira ddala ekyo kyenyini kyebakkiriza.

Oteekeddwa okukkiriza abaminsane ba Mormon bayingire mu njuuyo bakuteegeze ebibakwatako era bagezeeko okukumatiza?

**Oyinzira otya okumanya nga ekanisa ya Mormon ya balokole oba nga njigiriza yaabulimba?**

**Okusooka tuteekeddwa okwekkanya noobweegendereza, enjigiriza ezisookebwaako mu Baibuli wamu nezo ezisookebwaako mu ba Mormon.**

## 1. Eriyo ba katonda abatuufu abasukka mu omu?

**Baibuli esomesa nti** eriyu Katonda Omutuufu era Omulamumu omu yekka. Okuva ku Oyo tewali Katonda mulala yenna (Ekyamateeka 6:4; Isaaya 43:10–11; 44:6,8; 45:21–22; 46:9; Makko 12:29–34).

**Naye aba Mormon bagamba nti** waliwo ba Katonda bangi, mbu era naffe bennyini tuyinza okufuuka ba katonda abasajja oba abakazi mu ggulu.

Aba Mormon era bagamba nti abantu abafuuka ba katonda balifuna abaana aboomwoyo ababasinza era ababasaba. (Ebyawandiikibwa bya Mormon: Pearl of Great Price—Abraham 4:3ff; Doctrine and Covenants 132:19–20; *Gospel Principles* [Enjigiriza y’Enjiri], olupapula 245 [1997 Edition]; *Achieving a Celestial Marriage* [Okutuuka kubufumbo obutagwaawo], olupapula 130; *Gospel Principles*, olupapula 302 [1997 ed.]

## 2. Katonda Olumu Yali Muntu Ngaffe?

**Baibuli eyigiriza nti** Katonda Mwooyo (Yokaana 4:24; 1 Timosewo 6:15–16). Katonda muntu (Okubala 23:19; Koseya 11:9; Abaruumi 1:22–23). *Bulijjo* abadde Katonda—ayinza byonna, amanyi byonna, era abeera wonna (Zabbuli 90:2, 139:7–10; Isaaya 40:28; Lukka 1:37).

**Naye ba Mormon bagamba mbu** Katonda Kitaffe, olumu yali muntu ngaffe naye yagenda yeyongerako okufuuka Katonda. Ono katonda wa ba Mormon alina omubiri gwenyama namagumba. (Ebyawandiikibwa bya Mormon: *Teachings of the Prophet Joseph Smith*, empapula 345–347; Doctrine and Covenants 130:22; *Gospel Principles*, olupapula 9 [1997 ed.]; Articles of Faith, olupapula 430; *Mormon Doctrine* [Enjigiriza za ba Mormon], olupapula 321; *Teachings of the Prophet Joseph Smith*, olupapula 373; *Mormon Doctrine*, olupapula 577)

## 3. Katonda ali mu Busatu?

**Baibuli esomesa nti** Kitaffe, Omwana n’Omwoyo Omutukuvu ssi ba Kakatonda abawukanye oba abantu abaawukana, naye be bantu abenjawulo nga bali mu Katonda Omu mu Busatu bwe. Mu Ndagano Empya yonna, Kitaffe, Omwana n’Omwoyo Omutukuvu boogerwaako kinnoomu nga Katonda era nga bakola nga Katonda. (**Omwana:** Makko 2:5–12; Yokaana 20:28; Abafiripi 2:10–11; **Omwoyo Omutukuvu:** Ebikolwa 5:3–4; 2 Abakkolinso 3:17–18, 13:14); sso nga ate mukiseera kyekimu, Baibuli eyigiriza nti Bano abasatu bali Katonda Omu yekka (*laba Namba 1 waggulu*).

**Naye aba Mormon bagamba nti** Kitaffe, Omwana n’Omwoyo Omutukuvu ba *katonda basatu abenjawulo*. Ba Mormon era bagamba nti Omwana n’Omwoyo Omutukuvu

bo baana ba Kitaffe ali mu ggulu n’omukyala owoomuggulu. (Ebyawandiikibwa bya Mormon: *Teachings of the Prophet Joseph Smith*, olupapula 370; *Mormon Doctrine*, empapula 576–577; Joseph Fielding McConkie, *Encyclopedia of Mormonism*, omuzingo 2, olupapula 649)

## 4. Yesu ne Sitani Baluganda Mumwooyo?

**Baibuli esomesa nti** Yesu ye mwana wa Katonda omwawufu, bulijjo yabeerangawo, nga Katonda. Era wamirembe gyonna nga ate yenkanankanira wamu ne Kitaffe (Yokaana 1:1, 14; 10:30; 14:9; Abakkolosaayi 2:9). Nga tasseeko wansi wa Katonda, ekisseera bwe kyatuuka yassa ebbali ekitiimbwa kyeyagabananga ne Kitaffe (Yokaana 17:4, 5; Abafiripi 2:6–11) naafuuka omubiri olwokutulokola; Okukyusibwa kwe kwatuukirizibwa okuyita mukufuna olubuto lw’Omwoyo omutukuvu mu ngeri eteri yaabulijjo era naazalibwa omukazi atamanyi musajja (Matayo 1:18–23; Luka 1:34–35).

**Aba Mormoni bagamba nti** Yesu Kristo ye muganda waffe omukulu eyeeyongerako naafuuka katonda. Okusooka, Kitaffe owoomuggulu ne maama owoomuggulu baatonda Yesu nga beggasse nga omwana owoomwoyo. Oluvannyuma Kitaffe owoomuggulu ne Maliyamu embeerera beegatta nebazaala Yesu mu mubiri. (Ebyawandiikibwa bya Mormon: Doctrine and Covenants 93:21; *Journal of Discourses*, omuzingo 1, empapula 50–51; *Gospel Principles*, empapula 11–13 [1997 ed.]; *Achieving a Celestial Marriage*, olupapula 129; *Mormon Doctrine*, empapula 546–547; 742; Ezra Taft Benson, *Come Unto Christ*, olupapula 4; Pearl of Great Price—Abraham 3:22–27, Moses 4:1–2; *Gospel Principles*, empapula 17–18 [1997 ed.]; *Mormon Doctrine*, olupapula 192)

## 5. Ekibi kya Adamu ne Kaawa kyali kyakivve nnyo, oba kya mukisa nnyo?

**Baibuli esomesa nti** obujeemu bwa bazadde baffe abaasooka, Adamu ne Kaawa, kyali kyakivve nnyo. Okuyita mu kugwa kwaabwe, ekibi kyayingiririra (delete repeated words) ensi, nekiviirako buli muntu okubeera noomusango n’okuffa. Olwo tuzaalirwa mu kibi era tusalirwa omusango olwebibi byetukola kinnoomu. (Ezekyeri 18:1–20; Abaruumi 5:12–21).

**Aba Mormon bagamba nti** ekibi kya Adamu kyaali “eddaala eryeetagisa mu nteekateeka yoobulamu era kya mukisa munnene nnyo gyetuli fenna”. (Ebyawandiikibwa bya Mormon: *Gospel Principles*, olupapula 33 [1997 ed.]; Book of Mormon—2 Nephi 2:25; *Doctrines of Salvation*, omuzingo 1, empapula 114–115.)

## 6. Tuyinza Okweefuula Abasaanidde mu maaso ga Katonda?

**Baibuli esomesa nti** awatali mulimu gw’obulokiozi Yesu Kristo gwe yatukolera ku musaalaba mumwooyo tubeera “tufiiridde mubyonoono n’ebibi” (Abaefeeso 2:1,

5). Tetulina mmanyi geerokola. Kisa kyokka, awatali bikolwa eby’obutuukirivu bye tweekolera, Katonda atusonyiwa ebibi byaffe naatufuula abasaanidde okubeera mu kubeerawookwe (Abaefeeso 2:8–9; Tito 3:5–6). Ffe kyetulina okukola kwe kweekwaata ku Kristo mu kukkiriza okwaamazima. (Kyoka, kituufu ddala nti bwewataba kiraga nga empisa zikyuuse, obujulizi bwoomuntu akkirizza Kristo buteekwa okweebuzibwa; okulokoka olweekisa kyokka okuyita mu kukkiriza tekiteegeeza nti tweeyise mu ngeri yonna etusanyusa—laba Abaruumi 6:1–4.)

**Aba Mormon bagamba nti** obulamu obutaggwaawo tulina kubukolerera mu maaso ga Katonda nga tugondera amateeka gonna amapya naamakadde ag’Ekkana ya Mormon, nga ogasseeko neebyeekyaama mu mikolo gyomuyeeakaalu. (Ebyawandiikibwa bya Mormon: *Gospel Principles*, empapula 303–304 [1997 ed.]; Pearl of Great Price—Third Article of Faith; *Mormon Doctrine*, empapula 339, 671; Book of Mormon—2 Nephi 25:23)

## 7. Okufa kwa Kristo ku Musaalaba Kulokola Abo Abamugaanye?

**Baibuli esomesa nti** Yesu yafa ku musaalaba okuleeta ekyokuddamu ekituukiridde eri ebizibu byeekibi ebyoomuntu. Kyokka, abantu abeegaana ekisa kya Katonda mu bulamu buno bwetulina tebalina mugabo mu bulokozi; balinda omusango gwa Katonda ogweemirembe ekjitaggwaawo (Yokaana 3:36; Abaebbulaniya 9:27; 1 Yokaana 5:11–12).

**Aba Mormon bagamba nti** ensonga ya Yesu okuyiwa omussaayi kyali kuleeta kuzuukira na butafa eri abantu bonna, oba beesiga Yesu oba siweewaawo. Okuyiwa omusaayi okwa Yesu kyeekimu ku bintu byetweetaaga okufuna obulamu obutaggwaawo. Ekkana ya Mormon era eragira tugondere amateeka gonna amapya, nga ogasseeko nageemikolo egyeekyaama egikolebwa mu yeekaalu. (Ebyawandiikibwa bya Mormon: *Gospel Principles*, empapula 74–77 [1997 ed.]; *Mormon Doctrine*, olupapula 669)

## 8. Ekkana Eyasooka Yaggwira Ddala mu Kuseeseetuka?

**Baibuli esomesa nti** Ekanisa entuufu yatandikibwaawo Yesu era teyandiyinzizza kubulawo okuva kuni (Matayo 16:18; Yokaana 15:16, 17:11). Abakristaayo bakkiriza nti wadde mu nnaku ezookwononeka nookuseeseetuka (kweekuva mu mazima) Okwaali mu Kanisa, bulijjo wabadde nga wasigalawo abafisseewo abanywezezza amazima amakulu aga Baibuli.